




# Ntwari ne musajja mukulu

Nwanne Felix-Emeribe

Kenneth Boyowa Okitikpi


Luganda

African Storybook.org




Ntwari yali abeera mu
nnyumba ennungi mu
kibuga kye Musanze.
Bazadde be baali bagagga.

Ntwari yalina embwa
eyitibwa Makasi.  Yalabirira
Makasi bulungi nnyo.




Buli lunaku, taata wa Ntwari yamutwala ku ssomero mu mmotoka ye. Era yaleeta Ntwari ewaka ng’avudde ku ssomero.

Lumu akawungeezi nga badda eka, taata wa Ntwari yayimirira okubako kyagula ku dduuka eddene.




Ng’asinziira mu mmotoka, Ntwari yatunurira emitala w’ekkubo n’alaba omusajja omukadde. Yali asitudde omugugu omunene ku mutwe.

Yali akooye era ng’atambula mpola. Ntwari yasigala amutunuulide.



Omukadde yatuula wansi w’ekisiikirize ky’omuti ku kkubo n’aggulawo ensawo ye.

Yalina obucupa bw’amazzi abubiri bwe yali akolamu engatto.



Ntwari yalowooza ku musajja oyo omukadde okumala ebbanga ddene. Yawulira ennaku.

Bwe yatuuka ewaka, nga tasobola kulya.

Yalowooza ku ky’ayinza okukola.



Yasituka n’ggyayo ssente mu nsawo ye ey’ensimbi. Yayita Makasi n’abuuka ku gaali.


Ntwari yavuga n’agenda ku dduuka kitaawe gye yagula ebintu.




Omulenzi yadduka
n’ayingira mu dduuka
n’afuluma n’ensawo.
Yagenda omukadde gye
yali awummulide mu muti.


Ntwari yakoowoola nti,
"Akawungeezi akalungi
ssebo."

Omusajja n’addamu nti,
“Omwana wange
emirembe gibeere ku
ggwe.”





Ntwari yabuuza nti,
"Ssebo, ova wa? “

Omukadde n'addamu nti,
"Mwana wange enjala
engobye ku kyalo kyange.
Ndi wano kunoonya
ssente."



Ntwari yawa omukadde ensawo ye ey’okugula ebintu.

Amaziga gajjula mu maaso g’omusajja ng’aggyayo engatto mu nsawo. Yeebaza Ntwari okuva ku mutima gwe.




"Nnina okugenda kati nga maama tannatandika kunnoonya," Ntwari bwe yategeeza.

Omukadde yawubila omulenzi n'embwa ye nga bwe bagenda. "Owebwe omukisa mwana wange," bwe yagamba ng'amwenya.



"Obadde wa?" maama bwe yabuuza Ntwari amangu ddala nga yaakatuuka ewaka. Yali mweraliikirivu.

Ntwari yamubuulira buli kimu. Yawulira ng’emboozi ye emukuteko.



Oluvannyuma taata wa Ntwari yamugamba nti, "Twenyumiriza mu ky'okoze. Naye bulijjo olina okutubuulira nga tonnafuluma nnyumba."

Awo n'agattako nti, "Nze ne maama wo naffe twagala kuyamba musajja mukulu!"

Oli wa ddembe okuwanula, okukoppa, okuvvuunula oba okukyusakyusa emboozi eno n’okukozesa ebifaananyi kasita oba ng’ossaako mu ngeri eno wammanga.

# Ntwari ne musajja mukulu
(eyali Emeka ne musajja mukulu)

**Omuwandiisi** -- Nwanne Felix-Emeribe
**Okukyusa embeera** -- Nwanne Felix-Emeribe / Francine Muhawenimana

**Omukubi webifaananyi** -- Kenneth Boyowa Okitikpi

**Olujimi** – Luganda
**Omutendera** -- Ennyiriri ezisooka

© Ekitabo ky' Emboozi z' Afirika 2018
Ebiwandiiko ebiyiiya: Okuwandiika 4.0
Ensibuko ya www.africanstorybook.org

2026.07.09